P360/1
LUGANDA
Paper 1
June 2019

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION
## (UACE)

**Amateeka N'enkozesa Y'olulimi, Obuwangwa N'abawandiisi**

**Essaawa bbiri n'ekitundu (2 ½)**

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno luganyiziddwamu ebitundu bisatu:* A, B, *ne* C.
- *Ekitundu* **A** *kya buwaze.*
- *Mu kitundu* **B**, *kola nnamba* **2, 3** *ne* **4**. *Oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Mu kitundu* **C** *ggyamu ekibuuzo* **kimu** (1) *ng'okironda ku bikuweereddwa.*

### EKITUNDU A

*Ddamu ebibuuzo byonna ebikuweereddwa mu kitundu kino.*

1 (a) Ebikolwa bino biggyeemu nnakongezalinnya ozeeyambise mu sentensi era osaze ku nnakongezalinnya ezo. ***(Obubonero 5)***

i. Okubotoka
ii. Okusuula
iii. Okulondoola
iv. Okuwaata
v. Okweruka

(b) Weesigame ku ggulama w'Oluganda akwata ku mbu z'amannya onyonnyole enjawulo ttaano (5) eziri wakati w'amannya gano: '**ejjambiya**' ne '**ekiso**'. ***(Obubonero 5)***

(c) Ddamu owandiike sentensi ezikuweereddwa ng'ozitadde mu kyewaabya. ***(Obubonero 5)***

i. Omukulembeze w'abayizi yakangula ku ddoboozi n'aboggola nti, "Tetujja kugumiikiriza mbeera etutulugunya".
ii. Yanziramu nti, "Leero lwe ntegedde nti, 'Akwana akira ayomba'."
iii. Yakatutema nti, "Wano temulinaawo mugabo gwammwe".
iv. Amugumizza n'amukakasa nti, "Buli ekisoboka ngenda kukikola embeera etereere".
v. Musoke agambye nti, "Abeeka bakutumidde naye tebakuweerezza kantu".

(d) Wandiika sentensi ezikuweereddwa ng'okozesa nnakasigirwa mu kifo ky'amannya. ***(Obubonero 5)***

i. Mukasa agulidde mutoowe ekitabo.

ii. Kampala kye kibuga kya Uganda ekikulu.

iii. Abaana ba Musoke banvumye amagufa.

iv. Omukeeka Nalule gwe yagula agutonedde Kazibwe.

v. Kitammwe wano yaguzeewo emmere mulyoke mumpite omukodo?

(e) Ebikolwa ebiri mu kaboozi kano bikoppolole obiteeke mu bika bino mwe bigwa:

***(Obubonero 6)***

**i)Ebiyambi** ***ii) Ebyetaaga erinnya erikolebwako*** **ii) Ebiteetaaga linnya likolebwako**

Nakanda kwewozaako nga buteerere. Nnalaba mmala biseera ne nsirika. Bwe yamala okunvuma obusiru, n'okunsooza olusoozo olwamala eddakiika ennamba, n'asiibula. Ko nze nti, 'Olyose n'ogenda`.

(f) Wandiika ebikolwa ebiva mu bigambo ebisaziddwako. ***(Obubonero 4)***

i. Eddalu eriva ku kunywa enjaga bbi nnyo.

ii. Twatuuka baggyawo olujjuliro bwe bati.

iii. Oba abantu abasula mu bikomera lwaki beeyagala nnyo?

iv. Lwaki abantu bagamba nti eddiiro likungaanya?

## EKITUNDU B

*Kola nnamba* **2, 3** *ne* **4** *ng'ogoberera ebikuweereddwa.*

Kola **2(a)** oba **2(b)**

2 (a) Nyonnyola enkizo Ssenga gy'alina ku bantu abalala mu mpisa y'obufumbo bw'Abaganda.
***(Obubonero 20)***

## OBA

b) Weesigame ku bino wammanga olage obukulu bw'ekitooke mu buwangwa bw'Abaganda.
***((Obubonero 20)***

i. Okufa

ii. Okuzaala

iii. Okufumbirwa

*Kola* **3(a)** *ne* **3(b)**

3 (a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako **bitaano** (5) onyonnyole amakulu gaabyo agoomunda. ***(Obubonero 10)***

i. Okuba kakira ka mbuzi.

ii. Okweyibaala ng'omusimbu atabaala.

iii. Okutema omuntu mu nvuba.

iv. Kisalidde mu ntamu.

v. Okusukka obw'omulamuzi.

vi. *Okussa omuntu ku nninga.*

(b) Ku bisoko ebikuweereddwa londako **bisatu** (3) obikozese mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo. ***(Obubonero 6)***

i. Okutunula omuntu mu mutwe.

ii. Okusala omuntu ku muguwa.

iii. Kuyita kuli nga mufu y'awunya.

iv. Okufa ekkabyo.

v. Okufaafaagana n'omuntu.

*Kola* **4(a)** *ne* **4(b)**

4 (a) Ku ngero ezikuweereddwa londako ssatu (3) ozimalirize nga bwe zoogerwa. ***(Obubonero 6)***

i. Ndifa n'agange.....................................................................

ii. Kiiso kya mbuzi......................................................................

iii. .................................................. nga ku nsambu kwe tulaba.

iv. .................................................. y'aziika omuliro.

(b) Ku ngero ezikuweereddwa londako nnya (4) onyonnyole kye zikuyigiriza. ***(Obubonero 8)***

i. Ekigwo ekimu tekirobera baana kuyimba.

ii. Ow'envumula mbi akoma ku kikubansiko.

iii. Nkole mpoomye Nalunga yagoya amayuuni.

iv. Ajjukiza Busemba y'agikuba.

v. Ekita ekitava ku ssengejjero ye Wankindo.

## EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *okuva mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba* **5, 6** *oba* **7**.

*Kola* **5(a)** *oba* **5(b)**

5 (a) 'Buganda ku ntikko', gwe mulamwa ogulambika kaweefube w'okukulaakulanya Buganda. Nyonnyola lwaki Matovu ye omu ku bantu abalina obusobozi bw'okussa mu nkola omulamwa ogwo. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) Matovu yawandiika ku bintu ki ebimalako abantu emirembe mu kitabo 'Eddaame lya Nsimbi?' ***(Obubonero 20)***

*Kola* **6(a)** *oba* **6(b)**

6 (a) Okusobola okutereeza eggwanga lyaffe, ebitabo bya Kaswa byandibadde bya buwaze eri buli Munnayuganda. Wandiika ng'owagira endowooza eyo. ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) "*Ebirungi biva mu ntuuyo*". Nyonnyola Kaswa bw'aggyayo endowooza eyo ng'osinziira ku bwe yawandiika ku kutta enswa ennaka. ***(Obubonero 20)***

*Kola* 7(a) *oba* 7(b)

7 (a) Busuulwa yawandiika atya ku ηηoma *Entamiivu* mu kimu ku bitabo bye? ***(Obubonero 20)***

**Oba**

(b) 'Waggumbulizi k'aba nako k'awa munywanyi we'. Busuulwa kaki k'awadde Bannayuganda? ***(Obubonero 20)***

***BIKOMYE WANO***